RE:Enkoolimbo dagala..

Posted by JeenaJulia - 2008/07/08 15:56

Omukazi abundula amazzi weekwate nkoolimbo

Enkoolimbo zijjanjaba endwadde nnyingi omuli n'ekibumba ekizimbye.

bya aisha nakasujja

Enkoolimbo y'emu ku mmere erimu ekiriisa ate nga ejjanjaba n'endwadde nnyingi. Ekyennaku nti abantu b'omu Buganda bagitya era bagisimba ku lusalosalo.

Enkoolimbo ddagala nnyo ku mukyala abundula amazzi, abalwadde ba mulangira, enziku, n'abavuddemu embuto.

Ekola ku ndwadde z'ekibumba, katugambe nga kizimbye; ejjanjaba enkaka, omusujja, abatafuluma bulungi , obulwadde bwa ssukaali, omusujja gw'ensiri mu kibumba, n'eyaabwe.

Ensigo z'enkoolimbo zaanike mu kasana zikale n'oluvannyuma okolemu ensaano.

Senako ebigiiko bisatu otabule mu mazzi agookya onywe.

Ebikoola byazo nabyo oyinza okubyanika ne bikala, oluvannyuma n'obisa n'ofunamu ensaano. Teeka mu mazzi agookya onywe.

Okujjanjaba eyaabwe, funa obukuta bw'amasanso g'enkoolimbo obufumbe oba obutokose. Nga buyidde muwe anywe era omutonnyezeeko ne mu nnyindo.

Enkoolimbo zirimu ekiriisa kingi ekizimba omubiri, ekya 'fibre' ekiyamba okukyusa emmere ate ekirungi nti n'amasavu agazirimu matono ddala n'olwekyo za mugaso eri omubiri.

Awamu enkoolimbo bazisiika busiisi, ne bazirya ng'obumpwancimpwanci, awalala basikaza ne bazisekula ne bakolamu obuugi, akawunga oba kaawa.

Engeri yonna gy'osobodde ojja kufuna emigaso gyonna. Abalimi nabo basaanye okuzijjumbira n'okuzirima ng'ekirime eky'ettunzi.

==========

RE:Enkoolimbo dagala..

Posted by rambuka - 2008/07/08 18:51

---

jeena-julia kati fe abali mu diaspora omuntu agigulawa

==========

RE:Enkoolimbo dagala..

Posted by JeenaJulia - 2008/07/09 10:10

Rambuka gitumye e Kyadondo...maama Fiina oyo alabika agilina.

==========

RE:Enkoolimbo dagala..

Posted by psqueenie - 2008/07/09 15:13

Jeena oba omanyi ku muntu ayinza okutuwa ku busigo omuntu bwayinza okusimba eno mu diaspora.

Anti oli bwa mulwadde abayetaga obwangu, anti .....'k'onooweeka,.....'

==========

RE:Enkoolimbo dagala..

Posted by JeenaJulia - 2008/07/09 19:58

B) Kamunonye,naye nga nakafananyi kako aba abulabyeko wonna ayite ku Connect abulile abatuze wa webasobola okubusanga.Eliyo eyambuziza nti enkoolimbo kyekyi?Zzizo.
http://connectuganda.com/images/fbfiles/images/enkoolimbo.jpg

==========

RE:Enkoolimbo dagala..

Posted by Astartois - 2008/07/10 21:46

We have quite a number of plants back home with medicinal values. Naye "abategevu" batulemesa. Bwebabizula nga babi patentinga. They get the patent rights. Tulabye!

==========